Bizibu family
Posted by sakin - 2007/09/27 14:20

Bizibu family by Walukagga. :laugh: :laugh:

==========

Re:Bizibu family
Posted by Meli - 2007/09/28 10:55

Ebidingo bisikiriza bulungi naye, kyaava munnaffe agamba nti naye afuba bufubi naye tali bulungi nakamu. Kyokka oluvanyuma neyewera alimulaba mu maka ga boolo! Bbo abalina ssente bebanayagala ggwe lukyoolo ali ne loveless!! Ggwe ate family ki etefuna bizibu? Baleete ekitabo kye bisitaferi!

==========

Re:Bizibu family
Posted by sakin - 2007/09/28 13:34

Meli munange tozanya namaka gaboolo bakikumalako. omusajja yagamba nti balowooza nti muwalawabwe yafumbilwa Commercial Bank gw'ate Senga enyumba yagudde aduse wamuko, maama ayagala plot agenze wamuko, Nguli kojja owe Kalangala yafira mazzi obwana bwona wamuko, baganda bomukyaala bonna wamuko for school fees kwegamba Walukagga nagamba omukazi yakola akasomero awaka. sakin senga nali musajja aaaaaa nange sandigenze mu maka gaboolo uuuuuuu:laugh:

==========

Re:Bizibu family
Posted by Kalibattanya - 2007/09/28 17:45

Nze buli bu full stop bwakola obuli rthymic bwebunyumira ennyo. Naye bambi n'omukyaala yali afuba kuyamba bewaabwe. Yali alabika nti obuzibu abutegeera, naye nga anakola ki? Ono yandimugambye bugambi nti munnange sisobola okusinga okudduka awaka. Ggwe ate kisajja mu ki? Olwo empologoma bwelijja ewuwe Walukagga alikola ki nga obwaavu bumwekweesa mu nsisiira!! Naye abasajja abasinga kyebakola, kwekukugamba nti munnange nze wano tewali lusuku abewammwe kujjanga kuyunja. Nebwelubawo agamba, tetutabula nnyo byanfuna. Nga atandika okwesesa sesa ne muka mulirwana, nga naawe ogamba abewammwe nti abange, temwongera kunona mmeere!!

==========

Re:Bizibu family
Posted by Bandi - 2007/09/29 04:24

My sisiter has this to say about this song;the first is a mistake, the second a coincidence, the third a habit. So the third time he calls your family by such a name, throw him out on the street, and pray there is a truck coming.

==========

Re:Bizibu family
Posted by luutu26 - 2007/09/29 17:47

Banaye omusajja onno walukaga yalimbamu kuba bwowasa munno nga ewabwe babizibu family toyina kulangila munno muyina kutula nemubisalira amagezi ate bwoba nga oyina sente tekibakibi kumala bizibu bya bukko kyova olaba ye omwavu bagamba omuko omwavu yayasa enkuu kubuko naye naba nga ayambidde awo.

==========

Re:Bizibu family
Posted by sakin - 2007/09/29 18:30

---

mwanyinaze Luutu, vamu byokusaaga ne bizibu family. Lunkuse omusajja yali amwagala nnyo, naye kojja Nguli owe kalangala eyafira mumazzi obwana bwona babusomba , enyumba yasenga bwe yagwa bagamba muko, nyina wa Lunkuse bweyayagala plot yatuma wa muko, school fees zabako bazikima wa muko. amazima gali nti bakaluba nnyo mwanyinaze towasanga mu maka gaboolo haaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaaa! Walukaga yali mutufu ogamba nti abako nti baloowoza nti bafumbirwa Commercial Bankaaaaaaaaaaaa.

==========

Re:Bizibu family

Posted by luutu26 - 2007/09/29 18:41

Mukwano kisinzira nsawo yo kuba sente bweberawo obwobuzibu butono nyo. Kyova olaba wano mumawanga obufumbo buffa buli omu aba annonya kumala bizibu bya family ye naye singa sente ebawo school fees wayo, plot gula obazimbire namu.

==========